NOVENA YA MWOYO MUTUUKIRIVU



Nga tutwala Essala eno, tutandika n'oluyimba lwa Mwoyo Mutuukirivu era oluvanyuma, tufukamira netwegayirira. Kirungi tusooke okwenenya ensobi zaffe ate n'okusiiba kikulu eri abo abakisobola.

Ayi Mwoyo Mutuukirivu Katonda wange, nga nfukamidde mu maaso ge Ggulu, nkwesingira nzenna, omwoyo gwange n'omubiri gwange, ayi Mwoyo wa Katonda omulamu.

Ekitiibwa n'obuyinza bidde gyoli, olw'obutuukirivu bwo, olw'obwenkanya bwo, ate n'olw'okwagala kwo. Gwe maanyi era ekitangaala ky'omwoyo gwange. Mugwe mwenjagala okubeeranga n'okutambuliranga. Ayi Mwoyo wa Katonda, mukyisaakyo nkuuma era nyamba nsigale nga ndaba ekitangaala kyo era nsigale nga mpuliriza eddoboziryo n'okukwatanga byonfuyirira. Nkwekutte, ayi Mwoyo Mutuukirivu, era nkwewa nzenna, mukisaakyo eky'oluberera, nkuuma era ntaasa omponye eddogo, obulwadde, namanyi g'omubi gonna, nfune emirembe egya namaddala. Nga nekutte kubigere bya Yezu ebya kubibwamu Enninga era nga ntunuulidde ebiwundu bye ebitaano nga nesiga n'Omusaayi gwe ogw'omuwendo ennyo n'Omutima gwe ogwasoggwa effumu, olw'okutwagala, nwesengereza Ayi Mwoyo Mutuukirivu, omuwonya w'endwadde, nyamba…….(*ekyetago*)**. Nyamba nfune Omukisa, nekisa. Ayi**

Mwoyo wa Katonda Kitaffe n'Omwana, nyamba nsigale nga njogera nti; "Yogera ayi Mukama, omudduwo awulira". Amiina

AMATENDO GA MWOYO MUTUUKIRIVU

Ayi Mukama tusaasire	Ayi Mukama tusaasire
Ayi Kristu tusaasire	Ayi Kristu tusaasire
Ayi Mukama tusaasire	Ayi Mukama tusaasire
Ayi Kitaffe ow'omu Ggulu Katonda	Tusaasire
Ayi Yezu Omununuzi w'ensi Katonda	Tusaasire
Ayi Mwoyo Mutuukirivu Katonda	Tusaasire
Ayi Trinita Omutuukirivu Katoonda	Tusaasire
Ayi Mwoyo Mutuukirivu Omutonzi	Tusaasire
Ayi Mwoyo w'amazima n'okutegera	Tusaasire
Ayi Mwoyo w'obutukuvu n'obwenkanya	Tusaasire
Ayi Mwoyo w'okumanya n'okubulirirwa	Tusaasire
Ayi Mwoyo w'okwagala n'essanyu	Tusaasire
Ayi Mwoyo w'emirembe n'obugumiikiriza	Tusaasire
Ayi Mwoyo ow'ekisa n'obulungi	Tusaasire
Ayi Mwoyo ow'obusaasizi n'obukakamu	Tusaasire
Ayi Mwoyo w'obwesimbu n'obwetowaze	Tusaasire
Ayi Mwoyo w'okwefuga n'okwagala	Tusaasire
Ayi Mwoyo okwagala kwa Kitaffe n'eMwana	Tusaasire
Ayi Mwoyo n'obulamu bw'emyoyo emitukuvu	Tusaasire
Ayi Mwoyo omuliro ogwaka	Tusaasire

Ayi Mwoyo amazzi agawonya enyonta y’emitima	Tusaasire
Mubuli Kibi	Tusumulule Ayi Mwoyo Mutuukirivu
Mubuli bwononefu obw’omwoyo n’omubiri	Tusumulule Ayi Mwoyo Mutuukirivu
Mubuli mululu n’obuluvu	Tusumulule Ayi Mwoyo Mutuukirivu
Mubuli mululu gwensi	Tusumulule Ayi Mwoyo Mutuukirivu
Mubuli bukuusa	Tusumulule Ayi Mwoyo Mutuukirivu
Mubuli bwononefu n’obuseegu	Tusumulule Ayi Mwoyo Mutuukirivu
Mubuli bulimba	Tusumulule Ayi Mwoyo Mutuukirivu
Mubuli maddu g’omubiri	Tusumulule Ayi Mwoyo Mutuukirivu
Mubuli bulagajjavu mu byotufuuyirira	Tusumulule Ayi Mwoyo Mutuukirivu
Mubuli bulimba n’okuwaayiriza	Tusumulule Ayi Mwoyo Mutuukirivu
Mubuli kwegomba n’entalo	Tusumulule Ayi Mwoyo Mutuukirivu
Mubuli kya kwejalabya n’okwekuza	Tusumulule Ayi Mwoyo Mutuukirivu
Mubuli kuyomba okubi	Tusumulule Ayi Mwoyo Mutuukirivu
Mubuli mbeera yonna etakusanyusa	Tusumulule Ayi Mwoyo Mutuukirivu
Mubuli muzimu namanyi ga sitaani gonna	Tusumulule Ayi Mwoyo Mutuukirivu
Mubuli ddogo na kusiranyizibwa	Tusumulule Ayi Mwoyo Mutuukirivu
Mubuli Buwonge bwonna	Tusumulule Ayi Mwoyo Mutuukirivu
Mubuli ndagaano ne sitaani yonna	Tusumulule Ayi Mwoyo Mutuukirivu
Ayi Katonda Kitaffe ajjudde okwagala	Tusonyiwe buli bibi; ebyaffe neby’abatuzala
Ayi kigambo wa Katonda	Tukwatirwe ekisa otuddiremu
Ayi Mwoyo Mutuukirivu	Tulungamye tutuuke mu Ggulu


Ayi Akaliga ka Katonda gwe ajjawo ebibi byensi,	Tusindikire Omukubagiza
Ayi Akaliga ka Katonda gwe ajjawo ebibi byensi,	Tujjuze ebitone bya Mwoyo Mutuukirivu
Ayi Akaliga ka Katonda gwe ajjawo ebibi byensi,	Tuyambe ebirabo bya Mwoyo Mutuukirivu byeyongere muffe.

Twegayirire

Ayi Katonda, olw'amanyi ga Mwoyo Mutuukirivu lambika emitima gy'abakkiriza, tukwegayiridde nnyo, Mwoyo oyo yenyini eyakka ku Batume mu kisenge kya waaggulu, mumatandika ge'Klesia atuyambe tujjule amanyi go era tutuuse ne mu Ssanyu eritakoma mu Kristu Yezu. Tukikusaba mulinya lya Yezu Kristu Mukama waffe aliwo awangala ng'alamula wamu ne Patri n'eMwoyo Mutuukirivu emirembe n'emirembe. Amiina



This document was downloaded from https://exoticnotes.com



Do you need more LESSON NOTES for Primary (All classes)?

Click
https://exoticnotes.com/notes/primary/

If you need LESSON NOTES for SCIENCE (P.1 – P.7)
Click
https://exoticnotes.com/notes/primary/science/

If you need LESSON NOTES for English (P.1 – P.7)
Click
https://exoticnotes.com/notes/primary/english/

If you need LESSON NOTES for Mathematics (P.1 – P.7)
Click
https://exoticnotes.com/notes/primary/mathematics/